OWEKITIBWA GAVANA, BASEBO ABALABIRIZI, ABAKULU ABASATU, ABAKYALA N'ABAMI:

Nsalidwa nyo okubategeza nti Sabasaja Kabaka we Buganda tainziza kuberawo ku lunaku luno olwa lero Olukulu olwobulwadebwe, nolwekyo andagide okumusomera ebigambo bino mu linyalye.

Ku lwange era neku lw'Abami era n'abantu bange, kinsanyus nyo okukwaniriza, Sebo Owekitibwa, mu Lukiko lwe Buganda ku mulindi, omuberyeberye gwotukyalide nga Owekitibwa Gavana omufuzi we nsi eno Okujakwo wano, Sebo Owekitibwa, kutulaga bwosayo omwoyo ku kukula kw'abantu bange awamu n'ensi yange, bwentyo kyenva nsaba okirize okwebaza kwafe gwe wenyini era nga tukusaba otuse okwebaza kuno eri Abafuzi ba Gavumenti Enkumi.

Sebo Owekitibwa, tukwaniriza wano gwe wenyini, nga Gavana wafe, naye okusingira dala tukwaniriza ku lunaku luno olwa Empaya nga Omubaka wa Sabasaja Kabaka Omukulu George owokutano, bwentyo kyenva nkusaba ku lunaku lwa lero Sebo Owekitibwa okutusa eri Sabasaja Kabaka Omukulu obuwulize bwange era n'obwa bantu bange bwetulina eri ye ne Gavumenti-ye.

Olwalero nga bweruli olunaku olukulu olw'Obwakabaka bwe Bungereza olwasibwawo tulyoke tujukirenga era n'okutunuliranga ebyafayo ebyekitibwa eby'Obwakabaka bwe Bungereza, era n'okulaga okwebaza kwafe olwe bigambo ebingi ebirungi, byetufuna okuva mu kuigirizibwa okuletebwa okugaziwa kw'Obwakabaka bwe Bungereza. Tulina ekyokulabirako ku birungi bino wano mu Bwakabaka bwange, ekyeyongede okutuyunga mu mwaka oguise ku Bwakabaka bwe Bungereza, kyekyo ekye kubo lye Nyonyi eriva e Kepu okutuka e Kairo (Mu Misiri, nokutukira dala mu Kibuga kya Bungereza ekikulu Landani. Kino kye kigambo ekyomugaso ekija okwongera mu maso obusubuzi era n'obukulu bwe nsi yange, era nsaba nyo nti tewabe kigambo kyona ekinagisawo Buganda okuva mu kubo lino erye Nyonyi.

Mu kisera kyekimu, bwetutunulira Obwakabaka bwe Bungereza kakano, era n'okulowoza ku by'omumaso, tetuinza butalowoza ku bula kya nsimbi eribunye mu nsi wona.

Okuinza

Okuinza okuwangula obuzibu buno kyetaga okutabaganira dala awamu okwa buli muntu yena ali mu nsi ezo eziri wansi we Bendera y'Obwakabaka bwe Bungereza awamu n'okugondera era nokwesiga Sabasaja Kabaka Omukulu.

Nga maliriza ebigambo byange bino nebaza Katonda Omuinza we bintu byona olwokukula okulungi okw'Obwakabaka bwe Bungereza, era nolwokukiriza Obwakabaka bwange okubera ekitundu ekimu mu Bwakabaka obwo Obwekitibwa obubunye ensi zona, era bwentyo nsubira era nsaba Obwakabaka bwe Bungereza,nga ne Buganda mwali, bweyongerenga okukula nokweyongera mu maso mu buli kigambo kyona.